Uganda\'s National Language.

Posted by prettyd - 2008/07/24 23:15

There a three languages that have been debated about for the past few years as potential candidates for qualifying to be Uganda's permanent national language.These include English,swahili and Luganda.

Most people say since English is aforiegn language ,as Ugandans or Africans in general,we should have a national language that comes from within us.Thats why some people came up with the idea of Swahili and Luganda.

The debate between Luganda and Swahiri has raised different views and they all seemed strong in their own way,so i decided to bring up this topic to you my fellow forum members.

Which one would you support and y?

==========

Re:Uganda\'s National Language.

Posted by garvin - 2008/07/24 23:48

Thanks for this thoughtful idea dear.

Language if you ask me comes along with traditions, say belief, norms, practices among others.

So this means that whatever language finally agreed upon, issues above will tend to sniff in. I am afraid though, they might be far reaching emotionally.

Swahili is good - mainly because it cuts across the entire region of East and Central Africa. Actually ill informed beings call it "African language". See? Commercially we w'd be on the merit side.

However, some of the unfortunate citizens w'd testify that the last time they were robbed. The "get rich quick" used the same language - Kiswahili - in words of Funguwa mulango

Luganda is widely spoken by Ugandans - but....the other 47 languages would tend to prefer another option - putting traditional dominance in the picture.

English? Where is our Independent Freedom? Does a foreign language depict being under some one's ampits? I don't know. Are we independent anyway? Don't know either.

Tricky decision really. Is n't it?

==========

Re:Uganda\'s National Language.

Posted by JeenaJulia - 2008/07/25 10:44

Nze ndowoza ebintu bigile nga bisigala nga bwebili,tusoke tulwanyise entalo eziliwo.

==========

Re:Uganda\'s National Language.

Posted by chamu - 2008/07/25 13:45

_____

MUSOOKE MUKOLE ENGUUDO.

garvin wrote:

Thanks for this thoughtful idea dear.

Language if you ask me comes along with traditions, say belief, norms, practices among others.

So this means that whatever language finally agreed upon, issues above will tend to sniff in. I am afraid though, they might be far reaching emotionally.

Swahili is good - mainly because it cuts across the entire region of East and Central Africa. Actually ill informed beings call it "African language". See? Commercially we w'd be on the merit side.

However, some of the unfortunate citizens w'd testify that the last time they were robbed. The "get rich quick" used the same language - Kiswahili - in words of Funguwa mulango

Luganda is widely spoken by Ugandans - but....the other 47 languages would tend to prefer another option - putting traditional dominance in the picture.

English? Where is our Independent Freedom? Does a foreign language depict being under some one's ampits? I don't know. Are we independent anyway? Don't know either.

Tricky decision really. Is n't it?

Swahili lwe lulimi olukulu mu Tanzania ne Kenya. Sirowooza nti twandirulonze olwobuka lutegerekeka mu east africa countries. Uganda okutandika okuyiga nokukozesa oluswahili ennyo, kyali mu biseera bya Idi Amin. Twali tetumanyi lulimi olwo era nga tulowooza nti lwababbi, okujjako mu magye jerwakozesebwanga.

Kati ojja kusangayo abagamba nti oba tulonde lunyankore.

Tulonda olulimi lwakuba lulina engeri jetulutegeeramu munsi yaffe awamu, era nga lutugasa fenna. Oli bwagamba "muzigo" ng'aba ategeeza muzigo guno gwetulya, sso ssi "mugugu".

Wabula ebyokulonda olulimi bigira birindako. Eyo ssi yensonga enkulu kussaawa eno. Tulina ebyokulowoozaako bingi. Example, enguudo mbi nnyo, era zitta bussi bantu, okumalira ddala emyaka nga 25. Tusooke tulongoose ezo. Olaba n'eza Zimbambwe nazo zisinga ezaffe obulungi, sso nga inflation ewabwe ebalibwa (July 2008) mu 2.2m%.

Ebyokulonda olulimi tebitugasa kati, nga baganda baffe abali mu Buganda bali mukubonabona. Ba "investa" basenda

ebibanja byabwe enkya neggulo. Mu bitundu ebirala ebya Uganda, ba "investa" tebatunulayo. Batunudde ku Buganda wokka. Ettaka lyabwe balibabbako. Abalaalo bebasenza mu Buganda ekiro nabo bafuuse abalaalo. Abakungu b'Omutanda bali munkomyo. Amasomero ga Buganda bagokya buli kiro. Bannange, yyo Buganda yabakolaki? Olwo ffe ate nga tudda mukulonda lulimi????? Ensi teriimu mirembe, era eby'olulimi mubyerabire. Buli omu ayogere olulimi lwe. Aaa.

==========

Re:Uganda\'s National Language.

Posted by Jona - 2008/07/27 10:22

Olulimi olutongole lwawukana ku lw’eggwanga

Bya Polof. Livingstone Walusimbi

MU Uganda Oluswayiri lumanyiddwa nnyo ng’olulimi olw’amagye, poliisi n’amakomera. Okwo kwossa abantu abakola emirimu egy’ekipakasi mu makolero, ku leerwe n’emirimu egikolebwamu abantu b’amawanga amatabule abatalina lulimi lumu lubagatta.

Naye mu kiseera kino Oluganda lubuutikidde Oluswayiri mu bifo ebyo ebiri mu Buganda n’ebibuga ebinene ebiri ebweru wa Buganda gamba nga Jinja, Tororo, Mbale n’awalala. Mu biseera biri Oluswayiri lwayogerwanga nnyo mu mirimu egyo egy’ekipakasi. Naye Bannakenya n’Abatanzania bwe baddayo ewaabwe nalwo ne lukendeera.

Ekika ekyokubiri eky’olulimi ekitera okusangibwa mu mawanga agalimu ennimi ennyingi lwe lulimi oluyitibwa olutongole.

Olulimi olutongole lwe lulimi lwa gavumenti mw’ekolera emirimu gyayo. Wano mu Uganda, Olungereza lwe lulimi olutongole. Olungereza lwe lukozesebwa mu lukiiko lw’eggwanga, mu bitongole byonna n’amasomero. Lwe lulimi lwa kkooti.

Edda nga tukyalina gavumenti ya Ssaabasajja Kabaka, Oluganda lwe lwali olulimi olutongole. Oluganda lwe lwakozesebwanga wonna mu Bwakabaka bwa Buganda, mu nkiiko, mu mbuga z’amateeka ne mu bitongole byonna ebya gavumenti. Era kaakati Oluganda lutongole mu Buganda. Lwe lukozesebwa mu nkiiko zaffe zonna ne mu masinzizo. Oluganda era lwe lulimi olutongole e Busoga, Bukedi, Bugisu n’e Sebei.

Ekika ekyokusatu lwe lulimi olw’eggwanga. Luno lwe lulimi olwogerwa kumpi abantu bonna oba abasinga obungi mu nsi eyo. Lwe lukozesebwa mu nkung’aana z’ebyobufuzi n’enkung’aana ezitali zimu ez’amasanyu n’ezirimu eby’okuyiga.

Mu nsi ezimu, olulimi lw’eggwanga era lwe lulimi olutongole. So ng’ate mu nsi endala ennimi ezo zombi za njawulo.

Published on: Saturday, 26th July, 2008

==========

Re:Uganda\'s National Language.

Posted by kapakiti - 2008/07/27 13:42

Eno ensonga nkulu nnyo era webale kugisiinyaako.

1. Kinajjukirwa nti mu biblia abantu baasalawo bazimbe omunaala basobole okutuuka ku katonda era omulimu guno gwali gugenda bukwakku naye ne kitasanyusa katonda era yagumenya nabatabulatabula ennimi ne balekera awo okutegeragana nomunaala tegwaddamu kuyimirirawo.

2. Kinakuwaza okulaba nti bwe nsisinkana omucholi kati nina kweyazika lungereza okusobola okunyumya. Kino kyongedde okutwawulamu kuba abantu bazibuwalirwa okwagalana n'abantu abatali ba mawanga gaabwe. Kino kyandibadde kyangu singa twali twogera olulimi lumu.

3.Wano wennyini simanyi oba mpuliziganya na buli munnayuganda olwensonga nti ensonga zange nziwandiika mu luganda.

4.Bangi basuubira nti n'eno radio yabaganda olw'okuba lwe lusingako.

Simanyi lwaki oluzungu tetuluggya na mu equation olw'ensonga tuluwadde chance since independence buli munnauganda yandibadde asobola okulwogera naye abalumanyi bamunyoto.

5.Ebiteesebwa mu parliament abantu tebabimanyi kubanga bifulumizibwa mu lungereza.

6. Abantu bafutyankibwa eddembe lyabwe ery'obuntu olw'okuba amateeka gali mu lungereza abagategeera, bakyusaamu katono bwebati nga bagannyonnyola, ggwe atagamanyi ng'ofootoka.

Ensonga nyingi lwaki twetaaga olulimi lw'eggwanga. Nze kulwange ndaba ng'oluswayiri lujja kutuwa ebintu bingi olwokuba bangi balwogera mu east and central africa. Abaganda be basinga n'okufunamu kubanga ebigambo bingi ebyoluswayiri biringa bya luganda

okugeza; kuleeta,Kunywa, kuyimba, kuyingiza, sikiwa nga kinaatwala ebbanga eddene okuyiga oluswayiri nga lye twatwala okuyiga olungereza.

Singa abayimbi baffe banaayimba mu luswayiri bajja kutunda mu Uganda yonna ne mu East africa kyova olaba nga Jose Chameleone ali mumanyifu nnyo ne mu mawanga agatwetoolodde.

Singa tunaatwaala oluganda abamawanga amalala bayinza obutakiwagira olwokutya abaganda okutandika okwegulumiza.

Olwokuba Uganda yatuumibwa erinnya eryo by right of the name Uganda eteekwa kuba yabaganda technically ne bwoba mucholi mu luganda oba muganda olw'okuba ova Uganda ng'omungereza bw'beera omungereza kasita aba ng'asibuka ku ttaka lya Bungereza.

OmuLango bw'onoomuyita omuganda olw'okuba ava Uganda ng'ensi so ssi omuganda nga tribe tajja kukiwoomerwa.

Omugerman abeera mugerman kuba ava Germany

Omufaransa abeera mufaransa lwa kuva France

Lwaki omunyankole tabeera muganda olw'okuba ava Uganda????

Bakitya lwakuba batya abaganda okwegulumiza.

Omuganda abamawanga amalala tebaagala abeere pulezident kuba batya omuganda okwegulumiza.

Naye olw'okuba tulina okugenda mumaaso mu byenfuna ,eby'obufuzi neby'embeera ezabulijjo tulina okusacrificinga oba okuwaayo ng'ekyonziira olulimi oluganda tugende n'oluswayiri.

Mulabye mutya?

==========

Re:Uganda\'s National Language.

Posted by JeenaJulia - 2008/07/28 20:11

Bikyali bya mpuuna nze ndimu nokutya nti lumu tujja kukela nga ensi yaffe tekyayitibwa UGANDA nga bagikokedeko ekinyanya ekilala,engeli gyewatali tekka likugila kukyusa manya gansi.

==========

Re:Uganda\'s National Language.

Posted by chamu - 2008/07/28 21:37

Bagamba nti akyogerako ssi yakireeta, naye nange ekyo nakirowoozako dda. "Ankole Republic", for example. Oba ssi ekyo, capital okugikyuusa. Mukifo kya Kampala, neyitibwa The Ankole Capital of Uganda, wabula nga linya lyokka lyerikyuuse, ekifo kisigadde kyekimu. Nga capital ya Uganda eno, esimbukira ddala Mbarara, nezingiramu Masaka, Kampala ne Ntebe.

==========